# Abasodokisi bakuzizza olunaku lw'abaana

Bya DICKSON KULUMBA

EKLESIA y'Abasodikisi ekuzizza olunaku lw'Abaana n'omulanga eri abazadde okukwata n'okukuza abaana nga Yesu azaaliddwa.

Olunaku luno lukuzibwa ku lunaku oluddirira olw'amazaalibwa ga Yesu nga lutandika ne Mmisa.

Ddiini wa Lutikko y'Omutukuvu Nicholas e Namungoona, Fr. Dr. Nicholas Bayego ye yakulembeddemu omukolo guno.

Ye yasabye bwati n'agamba nti kino kyakubasobozesa okukulira obulungi mu Katonda.

Fr. Dr. Bayego yagambye nti olunaku engeri gye luli lwa kusabuukulula birabo, abato baweebwa ebirabo nga Yesu bwe yaweebwa.

Kino Faaza Bayego yagambye nti kigendererwamu kuyigiriza abaana bano okugaba n'okutona kyokka ate n'okujjumbira okusaba buli lwa Ssande.

Despina Namiiro Nsubuga nga y'akulira ekibiina ky'abaana abasaba buli lwa Ssande yagambye omukolo guno bagukola okusanyikira awamu n'abaana abajja buli lwa Ssande mu 'Sunday School'. Namiiro akubirizza abazadde okujjumbira okusindikanga abaana mu Ssande ssukulu okuyigirizibwa kalonda yenna akwata ku nzikiriza yaabwe.



Fr. Bayego ng'ali n'abaana abakutte ebirabo byabwe.